# *LEKA NKUYIMBIRE OLUYIMBA*



2. Munaala gw'essanga ng'oyaakayaaka, ennyumba eya zawabu omwesigwa;
   Enkuluze y'obunyiikivu oyagalwa, gwe Rosa ey'ekyewuunyo sabiraabaana bo.

3. Kabaka wa bajjajja n'abalanzi, Kabaka w'abatume ka nkuyimbire.
   Ggwe nsibuko y'amagezi n'obuvumu tuyambe okukula ng'otwoleka Omwana wo.

4. Essaala yo ggwe gy'osabira abenenya Katonda waffe erimutuuka terifa.
   Ey'akawoowo, kabaane, eddekende Maria tukwesize totwabulira abaana bo.

5. Empisa zo bwe zaali ez'akawoowo Omukama yakweroboza ggwe kkula;
   Abalala abakazi n'abaleka, tusabire nnyabo obutukuvu okujja.

6. Ggwe ntanda awerekera abatambuze emyoyo gyaffe giigino girungamye;
   Mu kulamaga okutuuka mu ggulu eri, tuyambe ffe mu kwawula ekirungi n'ekibi.

7. Essuubi ly'abazirika abatendeka, kikubagizo ky'abalwadde otendebwa.
   Ggwe afufuggaza Sitaani totuleka Maria tukulembere otutwale gy'otudde.